SHARON NABASIRYE

# Ekitongole ekitwala abasoma ebyemikono kifunye ekitebe

Bya SHARON NABASIRYE

EKITONGOLE ekitwala abasoma ebyemikono n'ebyekikugu ekya Uganda Vocational and Technical Assessment Board (UVTAB) kiggudde ekitebe kyayo ekikulu nga kino kigenda kuyamba okukendeeza ensimbi z'obupangisa.

Omukolo gubadde ku kitebe kyennyini e Kyambogo Kigobe hill Road nga mukyala Museveni ye yabadde omugenyi omukulu.

Ssaabawandiisi w'ekitongole kino, Onesmus Oyesigye agamba babadde basaasaanya obukadde obukunukkiriza 300 buli mwezi mu bupangisa mu bifo 3 ofiisi zaabwe gye zibadde e Kisaasi n'e Ntinda.

Agamba nti ekizimbe ekiggya kiwemmense obuwumbi 25 nga kiriko emyaliiro 8. Mulimu auditorium, ofiisi z'abakozi, ekifo awakolerwa duyiro, awatuula enkuŋŋaana n'ebirala. Oyesigye asabye gavumenti okubayamba okuzimba ekifo kye basobola okweyambisa okugezesezaamu abaana.




Muky. Museveni ng'asala kkeeki. Owookubiri ku ddyo ye ssentebe wa UVTAB Dorothy Akello ne ssaabawandiisi wa UVTAB Onesmus Oyesigye. Wakati ye minisita omubeezi ow'ebyenjigiriza ebyawaggulu Dr. J C Muyingo, omuwandiisi wa minisitule y'ebyenjigiriza Kedrace Turyagyenda, akulira akakiiko k'ebyenjigiriza mu Palamenti James Kubeketerya n'abalala

Ekizimbe kino kyegasse ku bingi, minisitule y'ebyenjigiriza by'ezimbye mu kifo kino nga ne minisitule y'ebyenjigiriza yennyini eri mu kusitula ekizimbe galikwoleka mu kifo kyekimu. Ssentebe wa UVTAB, Dorothy Akello ayogedde ku bimu akakiiko bye kasobodde okutuukako omuli okumaliriza ekizimbe kino, okukwatagana n'abagaba emirimu, okukakasa ebiwandiiko by'ekitongole n'ebirala.

Minisita omubeezi ow'ebyenjigiriza ebya waggulu Dr. JC Muyingo asiimye maama Janet Museveni olw'empeereza ennungi n'agamba nti okuva lwe yajja mu Minisitule, bingi bye batuuseeko.

Muky. Museveni yagambye nti basuubira nti okujja awamu ng'ekitongole ekitaba ebiwayi by'enjigiriza eby'emikono omuli DIT, UBTEB n'ebirala kyakwongera ku mpeereza yaabwe eri eggwanga. N'abasaba okukolagana n'abagaba emirimu wano mu ggwanga n'ebweru waalyo okulaba ng'ebisomesebwa wano bituukana n'omutindo gw'ensi yonna.

Minisita yasabye Bannayuganda bagende mu bungi balonde ku Lwokuna nga January 15.